Obulamu bwawano
Posted by luutu26 - 2007/09/19 09:50

Nze banange sikutendera bulamu bwawano abantu bawano bategeka wanno wanyiga toyina mpapula naye katonda nakuyamba nozifuna wanno walungi ovanga kumuntu alya enkonko enamba amata nywa mutali mazzi bwotambula ko makubo nosanga abazungu nga bakissinga kyotasanga waka obulamu wanno nze sibuloja kuba ne shopping okola yamwezi nolya kano nakali kyotasanga waka.

==========

Re:Obulamu bwawano
Posted by bennita - 2007/09/19 11:02

---

mukwano luutu,, obulamu bwawano kiba kilungi nyo olulaba ebilingi ebibulimu,, naye mukwano nze nga ebibi bye busanzemu bingana nokunyumilwa ebirungi ebilimu.??

==========

Re:Obulamu bwawano
Posted by bennita - 2007/09/19 11:04

---

enkoko enamba:p;) :laugh: amata agatalimu mazzi:ohmy:

==========

Re:Obulamu bwawano
Posted by JBugonzi - 2007/09/19 13:11

Luutu Sebo enkoko olya naamba?gwe sebbo kasita olya noonywa olwo nga ebintu bigenda bulungi? you live a life where you can not knock on your neighbour's door to say Hullo,you're a prisonner in your own house due to this weather(cold)?

Bantu banno babagoba misinde olyempapula,tolina independence/freedom,oli mudugavu so toli Luutu. you work 24-7 to make ends meet,okujjako nga gwe sebbo oli kukamwaanyi.

LUUTU SEBBO, How many times do you travel back home a year?Abantu ewaffe baafa njala gwe sebbo enkoko okoona naaba,saako bu wins nga 6,gizzards 12,amaagi half dozen,okwo saako 2litlres of semi skimmed milk, awo nga diaspora etambula,,,,,

:P

==========

Re:Obulamu bwawano
Posted by luutu26 - 2007/09/19 13:40

Mwami bugonzi nze nkugambe ki ndekeki e uganda gyensiba siyinza kumala myezi 2 kuba business zange gyezili naye nze kyendaba e uganda siyina wenkigeregeranya nawano okujjako nga oli student oba nga toyina mpapula awo tosobola kunyumirwa wano naye ssebo embera ye uganda nungi nyo mukukyakala kuba abantu e uganda badigida naye tosobola genda uganda nomalayo emyezi esatu nga tonayoya kuda wano

==========

Re:Obulamu bwawano
Posted by robster - 2007/09/19 14:57

---

muganda wange luutu nyinza okirizanya nawe nti obulamu bwawano bulungi naye binginyo ebibusabulula nebugwamu ensa!!!! kangeze kubulamu bwetwakuliramu nga buli muntu mukwano gwamuliranya naye omala omwaka nga akuli kunyindo tomumanyi wadde. ekyo nga okireese laba kubulamu bwetukulizamu abaana baffe! wali ogenzeko mubifo ebiwugirwamu nga abaana bagambye bagala ndowooza kyewalaba nange kyenalaba. mu summer nga otambula

nabaana bo ndowooza okuba akafananyi kubantu abamu.kale bingi ebisabulula obwandibadde obulamu amata.

==========

Re:Obulamu bwawano

Posted by omumbejja - 2007/09/19 17:15

Naye Bugonzi lwaaki osokera wali bilaka kubyonna Luutu byakugambye era ssebo gwe ssegwanga gyabaddeyesabika josokeddeko okulaba ate nomuterako ne side dishes bu winngs 6 entwingiri 12, amagi 6 saako nelita 2 eyekyanzi kyamata kati bwamala okubwegera nalyooka atendereza Nabakyaala . ssebo nno abo bebamu abavulunga nakati otwononera ensi yaffe kuba ebyo byonna bitebereze ngabiri ka ngogaseeko neka weather, nemikwaano, nenganda, buli wokuba amaaso ate olaba ogenda mukyaalo ngabasse ente ngeriyo emikolo silowooza nti waliwo nsi esinga ka, gwe gerageranya ngebintu bilungi eka, ku mikolo nga kwanjula, busiki, nyimbe, mbaga, oba ebivulu ebitali bimu oyinza obigeragelanya nebikolebwa ebweeru?

==========

Re:Obulamu bwawano

Posted by luutu26 - 2007/09/19 18:17

Omumbejja ndaba kuki naye munange nange ngamba nti obulamu bweka bulungi naye njagala tube bamazima omuntu nga omanyide wano tosobola kudaka nomalayo mwezi esatu nga toyoya kuda wanno. Omumbejja osobola eka okutta ente namba nogabira nobo kukyalo buli omu nalya naye ekyo okikola lumu naye wanno ebintu ebyokulya obigula mubungi kubeyi entono nga ate bigenda kitono kati tunulira omwenge gwa wanno ekisinga okusala kubantu kola natye okutamira nagwo ogula mubungi noteka awo ayagala yanywa. Ebyo budde okunyogoga nomuzira nze mbira luvanyuma kasita mba nga nfunye ekida eli ekyenda kati tunulira bana uganda abagwera mu IRAQ eyo embera oyinza ogigerageranya nobunyogovu.

==========

Re:Obulamu bwawano

Posted by Meli - 2007/09/19 20:49

Obulamu bwawano bwagala bavubuka. Ebizibu byaawo tukyabigumira kati kubanga tukyali ba maanyi. Naye nze nnakimanya dda nti Mukama nampa obulamu wano sagala kukaddiyirawo. Olabika bulala, nga azunga obuzunzi mummakubo. Emmeere yenyini oba okyalya yenkana wa? Yye nemmere nyingi kale naye ebikolebwa eryoke ebeere nyingi nga bingi!! Ate nemmere telina kawoowo, amata nebwogafumba tewali njawulo nafumba amazzi. Ate ogenda okula nga ebwoomu buyitirira. Abantu abakulu wano bavaawo nga abagenda okuwummula tebadda. Waliwo nomu eyalina ne passport yawano, nagenda eka nalwaala, nebamugamba ddaayo ojjanjabibwe, nagaana, era nasalawo okufiira eka, era bwekyaali. Eka omuntu oweebwa ekitiibwa kyo ekikujaamu, naawe obako kyoteseeza society yo okusinga okutunula obutunuzi nga abalala bebateesa ebikwata ku bulamu bwo, kwo ekyo wano neeka tewali njawulo.

==========

Re:Obulamu bwawano

Posted by JBugonzi - 2007/09/20 01:08

---

okusinziira ku baantu aba respondinze ku topic enno,85% are againist it just because,as much as there is some possitivity,but the negativity out wieght,Ssente tetugaanye zzo weziri,naye sente tezimara buli kizibu.

Enkoko olya,ebyaanzi byamatta nnoonywa,naye essanyu nga tewali,nebwooba olinna empapula,oba tolina.

okugezze nze Omwaana wange amala week nga ali munju,lwolinna appointment nga oyagala okumulekela omuntu,olinya bus nga mukaaga(6)okutuuka ewali omumanye. naye ewaffe,omulilanno guba nga luganda,no HUSSLES.

Ekirara ewaffe otuma omwaana kukaduuka ka guundi,aleete sukari nga tomuadde atta luba,naamuleeta. NAYE WANNO,OBEERA NE £9.99 nga nga bill yamassanyalazze ya £10,bawandiika ebbaluwa ezibanja oluusi nebasinddika nomubaka okujja okubanja,you end up in court.

LUUTU SEBBO,NGA OJJEEKO ENFUUFU YE LUNGUJJA NE NSIRI,MPOZZI NE MUSEVENI,HOME IS THE BEST.

==========

Re:Obulamu bwawano

Posted by JeenaJulia - 2007/09/20 07:18

Wabula bana-U mumanyi okutessa.Buli kintu kiliko ekilungi kyakyo nekibi kyakyo ate ela one mans meat can be another ones poison.Luutu ssebo nkwaggade kwogela mazima nga omuseezi agula esowani.Bwobuza omwana akulidde wanno naye nga yali agenzeko eka nti wa waweyandiyagadde okubela akudamu ntiwanno.Atela nebwaba mukulu akulilide naye nga yazalibwa wanno ela naye tomunyumiza bya kudda kka.Naye bwegutuka kuffe banagya bwenti bwenti...East,West..Home is best.

==========

Re:Obulamu bwawano

Posted by Meli - 2007/09/20 17:24

Kisinziira ku mwana, ku family, ku mirundi emeka gyagenzeko eka, ku biki ebimugambibwa ebikwata ku ka, ne ngeri gyakuzibwamu. Wano okiraba bulungi kino, abaana abazalibwa kuno nga bava mu boolo abatalaba Walukagga, tebagala kudda ka, bawulira bazadde baabwe byebogeera. Wano sogeera ku boolo batalina ssente, ngamba abanaku mu myooyo. Toyinza kwagala nsi yo, nebakuwa mwana muto, atnulidde era alinda okuyiga buli kimu okuva ku ggwe, nakulema kugimwagazisa, oba teogezezzako oba nga toyagala. Ebyokulimba bidda wali. Waliwo ate abaana nze bemmanyi, abatayagaliira ddala kuno. Omulenzi omu eyazalibwa kuno nakulilako yaddayo eka najja okukyaala nangamba, naye mba tya, muli bakazi, eehee, obulamu olwo nga bwaaki? Nze kuno siyinza kubeerako!!

==========

Re:Obulamu bwawano

Posted by luutu26 - 2007/09/20 17:47

Nze nkubulire Meli nze njagala waveyo omuntu omu ambulire lweyali amaze emyezi 3 ekka nga tanayoya kuda wano. Eri wewaffe era twagalayo nyo naye embera teyeyagaza kasita oba nga omaze okuluza ku Jaana yawano. Waliwo lwoyita mukibuga ogenda okuda eka ngawena ebitogi bye saati bilinga nti obade kukizimbe nga owereza musenyi kati bwoba mukazi odda neka nga olumira banaye amazima gabe mazima. Ebanga lyomaze wanno wali olwade kumusujja? wali olumidwa kunsili okimanyi nti nze eka sebaka kutolo lwansili ezisula ziwuma kati no kino kyetuyita obulamu bwawano.

==========

Re:Obulamu bwawano

Posted by omumbejja - 2007/09/20 17:57

Luutu oli mutuufu mungeri yo naye luri ebintu bwebyaali obulungi mbulira emilundi emeka gyewali okyadde katugambe okuva awo mu nganda zo ezikuli okumpi ?, ngojjeeko nti Abaganda zino ntalo zezitandise okututambuza naye oyinza okumbulira mawanga ameka gewali ogenzeemu agali mu uganda . Kyoyogerako ekyekitoji kituufu naye kale tebereza luli nga akatogo teka nagenda mu mikisi tetwalina bingi naye nga osigala onyrira naye kati kibi nnyo . Naye newooli singa besulirayo gwannagamba ngeka ojjakusanga obuzibu bwebumu okujjako wano ogattako nokusosolwa.

==========

Re:Obulamu bwawano

Posted by Meli - 2007/09/20 17:59

Nze eka wankooya nnyo nga nakatuuka!! Mu nnaku ezisooka, nga ssinakyuusa byemmanyidde, buli kimu nga kindabikira bulala, naye bwendwaayo nga kimbereera kizibu okudda. Naye nze ekisinga okunsiba kuno kubanga kwekuli emirimu gyange. Ebikolebwa eka, sibimanyi bulungi!! Ate abakutte enkulungo, balabika basasulwa kulemesa. Nze bwennagezako okutandika yo business nga ebintu babizibuwaza ekyekisiru, ekintu ekyandimaze eddaakiika ettaano nokitambulirako omwezi mulamba ate oluusi nobutakifuna. Ne mubyo kukola obubbibbi bungi, tewali gwewesiga. That kind of lack of trust is hellish!!!! Naye nze ebyo ebye mmeere tebinuma, naye mpozzi enjawulo yaffe eri bweti Luutu, nze

najja kuno nga ndi muwala muto, najja kusoma. Nyinza okuba nga mind yange yali locked into how things were, era nga bwentyo bwendifa. Okubonabona kweeka nkutegeera naye nze mmanyi yo nekirala, tewali nsi eteribonabona. Ebizibu tebinzija ku mukwano. Olunaku lumu ngenda kusiba ebyange nzire eri muganzi wange Buganda, and come what may.

==========

Re:Obulamu bwawano

Posted by luutu26 - 2007/09/20 18:05

Omumbejja kyekyo kyetwogerako nti obulamu bwawano bwanjawulo kubweka kati tunurira omusajja KALUNGI abade mubukedde waleero bamuwade butwa musabo ate mikwano gye kati bwotunulira ebintu nga ebyo wano tomala kanywanywa bidagala dagala.

==========

Re:Obulamu bwawano

Posted by omumbejja - 2007/09/20 18:16

Nekilala abantu abafutyanka ensi yaffe babadde wano mu Buganda ngabayisibwa bulungi . Bwooba obadde ebweeru ennaku nojiyonkako omanya okweyisa obulungi, kuba ddala olabye ebintu bwebikolebwa. Kuba ddala bwotebereza oli lwafuna ssente ezigula printing papers nazissa mu bathroom kyokka nga eza toilet paper tazilina awo omanya amagezi gabamu bwegakola. Ensi mwetusizza kati ku mmukka singa nazo zifuna abaluvu ,ba empisa zimafunyo gwojja okusooka okudduka , besides abaddugavu bwe banatereela ani anabakolera kabaasa, bino byonna bigenderere kyoova olaba nti buli kiseera wabaawo atrainінga abatulugunya Abaganda wewaawo kati nabengulu balozezza kukyebatukola okutuusa ekizimba lwekinayabika

==========

Re:Obulamu bwawano

Posted by luutu26 - 2007/09/20 18:19

Meli nze emirimo gyange girika naye mumazima ogenze noleta ekintu okuba nti ekka teri bwesimbu kitufu nadala mubantu baffe naye nyina mukwano gwange yali akola ku embassy ya uganda wano mu london naye yali amazewo emyaka 16 nagamba nkoye ali mumyaka 48 kanzireko eka naye yamalayo emyezi 3 nga byakola tebijja nga tabitegera abana entambuza gyebatambuza ebintu eri ku speed yakizungilizi kati byagana nakomawo wano era naye agamba nti obulamu bweka sibusobola. Ekilara simanyi oba mwe mwali mukilowozezako nti ewaka wali expensive nokusingawano, ogenda mu shopprite oba mu uchumi ogula ebintu bya mitwalo atano nga byetukozesa wano nebitamalako week ngate wano wanno okola shopping yo ya £100 nemala week.

==========

Re:Obulamu bwawano

Posted by xaza - 2007/09/20 20:47

Wano mmanyiiwo abaana bannaU abaazalibwa wano, era nebakulira wano. Kyokka bwebaatuuka eyo mu myaka nga 18 nebagendako eka emirundi ng'ebiri, baasalawo nti bagala kusengukira ka. Baagamba mbu baanyumirwa nnyo eka, era mbu eriyo feeling etali wano.

Wabula ng'onoddayo eka, olina kusenguka mubiwagu. Sooka ogende omaleyo akabanga, okomewo, ate oddeyo, okomewo, ate oddewo emirundi egiwera. Ekyo kikuyamba okuyiga abantu b'eka n'entambuza ya business. Oluvanyuma olyooke osibe engugu.

==========

Re:Obulamu bwawano

Posted by Kalibattanya - 2007/09/20 23:03

Obulamu bweeno, kukola, kuweeweza bulumi ka, kusaba Mukama atereze ensi yaffe, tuddeyo tugiteseze nga tuli ku butaka nga bwetukola wano. Naye nga wali tulabagana ko ne mu mmunye. Nakuyiga ebinatuyamba nga tuzzeyo. Awo ne Mukama wanawulira okusaba kwaffe, natusaasira. Amiina.

==========

Re:Obulamu bwawano

Posted by Bikolwa - 2007/11/20 16:35

Ahaaaa, owange okubeera eno kukyira e Kyaddondo??

Banange empewo yobutiti entamizza okubeera e Bungereza! Omuntu nova mu nju yo nga obudde bukyakutte, nogiyingira nga buzibye olwonolubala nti lumu... Nate bwotyo kumala myezi oba kati emmeka? Anti kigambo global warming nakyo kifuse ensonga. Nobunyonyi bulemeredwa okumanya oba bubuuke bugye eyo oba bugira bulindako. Bambi no nebusoberwa - kuba anti ne senyiga naye kati abwezingirideko. Tuyinze okuwankankula endwadde ze'bisolo, nantikyi ono senyiga wa binyonyi, simanya ate kabotongo wabigere na'mimwa! Endwadde wezikoma abaana baffe abaato nabavuubuka webatandiikira okwekolako obulabe nga abamu batingana mu ngeri eyobutemu. Kale no awo omuzimu gwa stress wegufunira omwaganyi negutwepatikako negutufikira akakobe nagwo. Anti buli ka ssente kajja kapimidwa kyekangendako...gatako nakatanajja kolina obubeezi nako mubwongo

Ebyo kwambala obulungi mu kiseera kinno obiteeka kumabali newezingirira mu makutiya ga makoti agakufukira ekyoto ate nga otuuse mu bus oba train notandiika okweserera omwo. Enno yemu kubintu banaffe e Kyaddondo kyebatulabirako. Mpulidde banji abangambye nti muvabulaya omulengerera ku busiwufu empewo bwemutunuza mu maaso awamu nenggalo! Naye ndowooza muvabulaya we Europe??? Mbuuza abobumerika - mwe eyo namwe empewo bwetyo bwebayisa/batunuza ama??? Wabula kenaliko mu Australia namatira nti kaliduggala naye yetaaga sunscreen!

Tekakutanda novuga nga ebipapulabyo sibiteerevu, banno balabiika cameras bazitadde mubuli kafo; nti oluusi mbamu nekilowoozo nti epulire lya "Sun" lyandibamu ne shares okulondola abamenyi bamateeka agabuli ngeri - nga okusinga bakaliduggala. Amazima aka taano kebampamu fine week ewedde kamalamu essanyu - nali simanyi nti kakano nokusimba mu kifo nebwobanga mwoli tovuddemu yadde butiiki oba dakika, camera yo kasita ekubeera mu maaso, nga ebibyo biwedde. Luli walabanga parking attendant nosobola okola ebya Mr Bean. Naye kati wapi!

Gatako nabantu okufaanana obudde bwetulimu nakyo kimazemu amanyi. Bekyaye bulala - abamu december bamumenyemu bamutwalira ku 'ember'nga ezomuliro nanti. Ze'mboko zonafuna kakutanda neweyimiriza olabe oli akwanjulira pafumu gwatunda songa magezi kukwawukanya ku nsawoyo. Naye ate era kekaseera okuwuliza ku maloboozi gaba neighbours oba abantu bulijo bwemuyisanganya nga temwebuzanako. Nokufuna bu chocolates okuva mu bakozi banno okukulisa amazalibwa ga Yesu.

==========

Re:Obulamu bwawano

Posted by JeenaJulia - 2008/05/09 14:15

Obulamu bwawano mbugelagelanyiza kubwekka nendaba nga waliyo ebintu byempulila nga mbisubwa..okugeza nga mubamu lwenogomba okuwulila ku matondo genkuba ku baati,wanno olusi enkuba etonya notamanya nakumanya mbu etonye.Nzijukila nga okuba taxi omukono bwotuka okuva mu nogamba kondakita nti masso awo.Bwotambulako mukibugga wenna nonyweza akasawo nga bwojja nti mujude millions kumbe olusi olinamu lukumi lukutusa gyolaga nebitano bya bodda.Sigya kwelabila ka nsalilako nawe kubuli kyogula mukatale ekitasoboka wanno.Last but not least the unconditional loadshedding,nga wanno wegomba kikutukeko naye tolikilaba.Mwe eyo temulina byemwegomba naye nga temubilabako nga ogyeko ebyendya,emikwano,abenganda no musana???

==========

Re:Obulamu bwawano
Posted by rambuka - 2008/05/10 04:34

---

i really miss the gathering at the kiyembe-----e katabi--entebbe------uganda----my love

==========

Re:Obulamu bwawano
Posted by prettyd - 2008/07/17 21:44

Nze kyensize okukyawa wano yengeri abazungu gyebatusosolamu!Abaana mu makkubo ne buvuma gwe,bwebaba no tebakwegezezaamu kukukuba oba sinakindi okwasiza emmotoka awatali nsonga.okwo saako n'okutta oba okukutusaako obulabe lwaki?lwakuba oli mudugavvu!

ku mirimu omuzungu nebwasobya abakulu tebafuna maanyi gamunenya naye gwe kaddugala kolayo akantu katono olwo nga gwe bajjakugirayo n'ago'mubuto nga bakunenya.Bw'oba toyogerayogera nyoo musango ate bw'oyogera nalwo lutalo.olwo omuntu akole ki?

Endwadde eziri wano mpitirivu ate tezitegeerekeka olwala ekintu nga tomanyi ne gyekyavudde so nga endwadde ezo ewaffe tezabangayo.Ate nga n'abasawo abamu byebakola babimanyi kitono,abamu be bakubuuza kyewalwadde ng'ate bbo bebandikikubuulidde!Awo ne webuuza nti enjawulo ya U ne wano yeliwa?Ndaba n'abeU beesingira wadde bali corrupt naye atleast.

Ekirungi ekiri mu diaspora just ssente naye nyabo ennaku zino ndaba nga ezitakyalina nnyo nsa kubanga ebintu eU byeyongera ebbeyi buli lukya kyokka nga pound oba dollar yo ekka busi kati awo n'olaba nga tewali nyoo njawulo.

sijja kubeera negative all through ebirungi webiri bingi opportunities are everywhere if your eyes are open and observant.Naye omuganda agamba awalungi siwanyo!Tukole,tuyige,tukope,tulabuke tuddeyo tukulakulanye ensi yaffe!!!!

==========

Re:Obulamu bwawano
Posted by jameerah - 2008/07/18 19:51

---

uhh nze maama kyanzigwako dda! nze anti nali nemanyirira byewaffe eri mukyalo gyogenda nga ofukamira eno nga bwobuuza kubuli mulirwana gwosanze, uhm naye eno maama omugambako ne ka hey natakuddamu!

e Uganda Ssekukkulu oba Eid bweba egya ngetuuse ngebonese, nolaba abantu bwe bagyaguza ngabetala!

A benkoko ngabakwata nga bamaanya nga bayokya, navembuzi ngabakwata ngababaaga, nolaba ensi bwedigida nga edda waggulu!,

uhm naye wano maama nze nolunaku olukulu lunsanga nkakkalabya anti mba sirina nakyakukola okugyako ikwekolerayo akasimbi anti buli lunaku lukulu akasaala kaba kangi!:)

Kale eri ewaffe abantu mukungaana kulunaku olukulu mwena ababeera buli kanyomero ka uganda oluusi nabava egendo emitala wamayanja!

==========

Re:Obulamu bwawano
Posted by JeenaJulia - 2008/07/18 19:53

Pretty abamu bagamba mbu naffe tusosola,nze lumu nasanga mudugavu munange mu kiduka ekimu nemubuza bulungi mu lungereza,kati omuzungu omu eyali okumpi nange nambuza nti muva munsi emu konze nedda.Ko yee mbu kati lwaki tewabuziza nze naye nobuza oyo,nesimudamu mubwangu kyokka nemala nemubuza nangamba nti abadde amanyi musosode.

==========

Re:Obulamu bwawano
Posted by garvin - 2008/07/19 00:04

Nze ate munange omuntu ansossode nematila yemudugavu munange. Oli asosola banange!!. Oba lwakuba oba tokisuubila muntandikwa?

Nze ela sikyakyamuka nga ndabye lanji yange nga ezunga. I expect the same treatment.

Simanyi oba nawe bwekityo bwekibadde side zo JJ?

==========

Re:Obulamu bwawano
Posted by garvin - 2008/07/19 00:10

Waliwo wekikunyiga n'ogamba nti oba ate awaka wasinga. Naye nga bwogambye .....sente?? Bwokyogelako ekyadondo bagamba oduula.

==========

Re:Obulamu bwawano
Posted by JeenaJulia - 2008/07/19 10:20

---

garvin wrote:

Nze ate munange omuntu ansossode nematila yemudugavu munange. Oli asosola banange!!. Oba lwakuba oba tokisuubila muntandikwa?

Nze ela sikyakyamuka nga ndabye lanji yange nga ezunga. I expect the same treatment.

Simanyi oba nawe bwekityo bwekibadde side zo JJ?

Garvin kyoyogedde kituffu nakyo mungeli yakyo,naye nga ekisinga okuleta embela eno mubalangi yaffe ye "status".Eggenze neyonona abantu nekunakuna tugenda netwelabila nti status eyo yakulupapula naye nga osigala oli kadugala.

==========

Re:Obulamu bwawano
Posted by ssewa - 2008/07/21 07:29

Kyogereko Jeena....naye nsubira ekintu ekyo..kikyamiza abangi....wabula nzije abantu bangi mubuzibu.....abalowoza nti balina status...neberabira banabwe...naye nga kino nkikola kubasomoza nti natalina status alina omugaso gyoli...

Naye nze abantu abamu mbalabamu buwutufu..bekwaasa nti nze abantu bantama...bakuletera agazibu gabwe...naye

obutaba na status tekitegezakuba nagazibu..some times poeple are looking for social confort and support.....

Naye katonda bwakuwonyanga endowooza eyo...aba akuyambye..wabula empiso ezo teziriko yasoma natasoma.muwanvu oba mumpi,mulungi oba mubi...kwegamba nkyakyuwunya...naye tusabe mukama atusasire naye ..twekopiwaza nyo.

Paulo Ezra

==========

Re:Obulamu bwawano

Posted by JeenaJulia - 2008/07/29 08:50

_____

Rambuka wrote:

When jeena-julia---makes a call,and when Mike answers my call ----------lastly dear Queenies programme

jangu tukyakyakyankye.

KYOKKA RAMBUKAAAAAAAAAAA:P Oli nyima okulya ,nenkulyowa omwoyo:woohoo: :woohoo: :woohoo:

==========